**15th February 2015.**

# KIGAMBO, OW'EKISA N'AMAZIMA.

**Yokaana 1:14 – 18.**

Leero, nga tumaliriza ennyanjula y'enjiri ya Yokaana, eyatuweebwa mu nnyiriri 18 ezisooka mu ssuula esooka, mwatuweera obufunze bw'emiramwa gye emikulu egy'enjiri ye, gyeyagamba mu ssuula 20:31 nti yawandiikibwa tulyoke tukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza tulyoke tube n'obulamu mu linnya lye.

Twabuulirwa era tuzze tulaba, nti mu nnyanjula y'enjiri ye eno, mwe muli ebikulu by'emiramwa emikulu egy'enjiri yonna, Yokaana mwatuweera okw'olesebwa kwa Katonda w'eggulu n'ensi gyetuli mu mwana era omusajja ddala Yesu Kristo – KIGAMBO.

Wabula nga mu nnyiriri 18 zonna, wandigambye nti olunnyiriri 14, bwe bufunze bw'ennyanjula ye yonna, ate nga kabe kasinge lwe lwandisinze obukalubu okutegeera eri Abayonaani n'Abayudaaya Yokaana be yali awandiikira mu biro bye mu AD 100.

Kuba Abayonaani, abaakitwaala nti omubiri guba mukyaamu, okuteebereza nti "LOGOS" nga bwe twasomesebwa okuba "kigambo" gyebali;- "Amaanyi n'amagezi amatonzi era agabeezaawo buli kimu" gaali gasobola okuba mu mubiri, kyaali tekiteeberezeka, era omwaggira n'abadossettisi be twaalaba abaasomesa nti ye Kristo yalabwa bulabwa ng'omuntu, naye teyalina mubiri, ekimenyaawo enjiri yonna nga bwe tumanyi nti ekyaamuleeta kwe kuba ssaddaaka entukuvu eneeba olutindo lw'entabagana y'okwagala ne Katonda, eyannamaddala, ereetera okuddizibwaawo kw'obutuukirivu bw'okwagala kwa Mukama.

Bano Abadossetissi baasinga okussaako essira mu bbaluwa ye essooka, mu ssuula 4:2,3, Yokaana mwagambira nti "Mutegeererenga ku kino Omwoyo gwa Katonda: buli mwoyo ogwatula nga Yesu Kristo yajja mu mubiri nga guvudde eri Katonda: na buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda: era ogwo gwe mwoyo gw'omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nga gujja, era kaakano gumaze okuba mu nsi."

N’eri Abayudaaya, abaamanya Katonda mu bussukkulumu bw’ekitiibwa ekitateeberezeka, okuba nti yali asobola okuba omuntu kyaali kizibu nnyo.
Omutume Yokaana kye kimugambisa mu magezi g’Omwoyo Omutukuvu nti “Kigambo n’afuuka omubiri”, okukkaatiriza ennyambala y’embala y’obuntu yennyini, - so ssi nti “Kigambo n’afuuka omuntu”………

Mu kugezaako okuggyayo okutegeezebwa mu bujjuvu bw’olunnyiriri luno 14, tulaba ebigambo ebikulu ennyo bisatu mu lwo, ng’ate gyemilamwa gy’endagaano empya yonna, ekyandikugambisizza nti lwe lunnyiriri oluwa obufunze bw’endagaano empya yonna!

Ng’ekisooka ky’EKISA. Ekigambo Ekisa, kituwa entegeera y’ekyo omuntu kyatasaanira ddala kuweebwa, endowooza y’ekyo kyotasobola na kkolerera oba kweetuukirizaako ku bubwo. Nti Katonda yajja n’atufiirira, tewali n’omu eyali akisaanidde era ali kisaanira. Ekigambo kiggyayo awamu - obutayinziza ddala bw’abantu ate n’obutakoma bw’obusaasizi bwa Katonda.
Ekigambo Kisa nate kikuwa endowooza y’embala y’obulungi eri omuntu, nti anaakukwaatirwa ekisa aba akulaga bulungi era alabisibwa mu bulungi (ne waaba alabika bubi!).
Mu bufunze, endagaano empya gye tukkiririzaamu Mukama Katonda waffe, mwe tuweebwa okulokolebwa ekisa kye, era mwe twongerwa ekisa kye, era mwe tuyimiririzibwa mu kisa kye; [ Baefeso 2:8, Yakobo 4:6, Baruumi 5:2].
Era mu lnny 14, ne 16 mu ssuula esooka bwe tugambwa nti… ng’ajjudde ekisa,.. Ku kujjula kwe fenna kwe twaaweebwa, n’ekisa mu kifo ky’ekisa…. Ekitegeeza okweyongera kw’obutakoma bw’ekisa….
Obwo Omutume Paulo bwe yayita “Obusukkirivu” (Bar 5:17); era “Obugagga obusinga ennyo”(Baefeso 2:7); era “Obutasingika”( II Kkol 9:14,15).
N’Omutume Peetero atugamba nti kituggira mu ngeri nnyingi nnyo.( I Pet 4:10).
Era bwe tulaba mu II Kkol 9:8 nti “Era Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli mmwe nga mulina ebibamala byonna ennaku zonna mu bigambo byonna mulyoke musukkirirenga mu bikolwa byonna ebirungi”.
N’okuba nti Mukama yakakasa Paulo mu II Kkol 12:9, nti Ekisa kye kye kyaali kimumala, ommusobozesa okutuukirira wadde mu bunafu bwonna.
Tukakasa nti mazima ddala Kigambo Ow’ekisa gwe tusinga okweetaaga mu bulamu bwaffe bwonna ate emirembe gyonna.

Eky’okubiri kye tulaba mu lnny. lwaffe 14, ge MAZIMA. Omulamwa ogutali mukulu mu njiri ya Yokaana yokka wabula mu ndagaano empya yonna.
Yesu bwatukakasa nga bwe yakola eri abayigirizwa be nti Ye Mazima(Yok 14:6), kitegeeza nti bwe tuba twaagala kulaba amazima ga byonna tulina kutunuulira Ye!
Atajja ttubuulira bubuulizi ku Katonda naye n’okusingawo okumutulagira ddala, anti ye nga Kigambo kye kyamuweesa embala erabwaako ey’omubiri gw’abantu.
Awamu n’ekyo, Yesu yawanga amagezi bonna abajjanga gyaali, era n’abagamba mu Yok. 8:31,32, nti kasita baneeyongera mu Ye, nga kwe kukwaata ebigambo bye, baggya kumanya amazima, ago aganaabakolera mu bulamu, babe baddembe.
Tujjukire kye yagamba Piraato mu Yok. 18:37 nti “Nze nnazaalirwa ekyo, n'ekyo kye kyandeeta mu nsi, ntegeeze amazima. Buli ow'amazima awulira eddoboozi lyange.”
Ate nga ne Yesu bwe yagenda mu ggulu, yatulekera Omwoyo we ow’amazima, anaatuluŋŋamya mu mazima gonna, nga bwe kyaali nti mu kaseera ke yali n’abayigirizwa be yali tasobola ku bamaliramu kutegeera mazima gonna, wabula nti ajabajjuza Omwoyo we basobole okumanya obutuufu bwa buli kimu ebiseera byonna, nga bwe guli gye tuli…Amiina. (Yok. 14:17; 15:26; 16:13).
Wadde amazima gakyaayibwa, ne g’egaanibwa, era ne gagaanibwa, era ne gattakkirizibwa, nga bwe tulaba okuviira ddala ne mubiro bya Yesu ku nsi, kyokka ate amazima ge galeeta eddembe, okuva eri okutya n’okufa, n’obunafu bwonna bw’embala z’abantu, ekitegeeza ge gawanguza.
Obutuufu bwa byonna buli nti Amazima, ga nkalakkalira, era galina okumanyibwa n’obwongo, ne gakkirizibwa n’omutima, ate ne gakolwa mu bikolwa by’obulamu obwa bulijjo.
N’olw’ekyo we tulabira ddala Oyo gwe tumanyi – Kigambo mu ttweeyoleseza ng’Amazima, tuweebwa bwe tugatambuliramu okubeera mu Yye naye mu Ffe, nga bwakitwaagaza, tusobole okuba n’ekitiibwa kye ekituyisa ABAKRISTAAYO, mu ngeri eyannamaddala.

Ekitutwaalira ddala ku nsonga enkulu ey’okusatu ey’EKITIIBWA.
Nti Kigambo era Yesu Kristo, kwe kwaali okwolesebwa kw’ekitiibwa ky’obwakatonda kyonna ekyandyolesebbwa eri abantu obutereevu, nga bwe tuzze tukiraba okuva mu lunnyiriri olusooka.

Kyokka olw’obudde obutasobola ttumala kulabira ddala mu Yesu ekitiibwa ky’obwakatonda Mukama kye yayolesezanga Isiraeli okuviira ddala mu ndagaano enkadde, mu Lubereberye eri Ibuyayimu, ne batabani ne bazzukulu be, mu Kuva eri eggwanga lya Isiraeri, mu ddungu,  yonna okutuuka mu Yekaalu, ng’ekitiibwa ky’okubeerawo kwa Mukama – “Shechinah”, kyolesebwa gyebali mu bujjuvu bw’okwagala so ssi obufuzi.
Ebikakasibwa okuba nti byaali kw’olesebwa kwa Yesu, oyo Yokaana ne banne kwe yabalozaako, ku lusozi lw’okukyuusibwa, Oyo Yokaana gw’agamba nti “twalaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima.”
Anti eri omwana omukulu obuyinza n’ekitiibwa kya Taata gye kigwaanidde naddala ng’asaanidde. N’olw’ekyo tukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw’okumukkiriza tulyoke tube n’obulamu mu linnya lye, olw’ekitiibwa kya Katonda Kitaffe.

Mukama yeebazibwe.

Bwe wabaawo atannakkiriza, oba abadde abuzaabuzibwa………